# Bajjumbidde ekisaakaate kya Future Stars




Mugabi (ku kkono) ng'awa aba Future Stars obukodyo e Gayaza.

Bya SAMUEL TEBUSEEKE

EKISAAKAATE ky'ebyemizannyo ekya Future Stars Sports Camp ekyategekeddwa ku Gayaza High ne Gayaza Junior kyongedde okukwata abantu omubabiro.

Akulira emirimu mu kibiina ky'omuzannyo gwa Badminton mu Uganda (Uganda Badminton Association), Simon Mugabi yatuuseeko mu kisaakaate kino n'awa bamusaayimuto obukodyo n'abakuutira nti eno y'eyinza okuba entandikwa y'olugendo lwabwe mu muzanyo guno.

"Mubeera ku ssomero, temufuna budde kutendekebwa. Kye kiseera mukozese omukisa guno okuyiga obukodyo kuba okufuuka ssita weetaaga obudde obumala" Mugabi bwe yabakuutidde. Mugabi era y'amyuka pulezidenti w'ekibiina kya badminton mu Afrika.

"Ekisaakaate kino kirimu abawala n'abalenzi okuva mu ggwanga lyonna nga batendekebwa mu mizannyo egy'enjawulo. Abazadde abasula mu bitundu by'okumpi basobola okutwalayo abaana ku makya ne babanona akawungeezi.

Ekisaakate kino kiwagiddwa kkampuni ya *Vision Group,* ekitongole ky'ebyemizannyo mu Wakiso, Prestige Margarine, UMC Victoria Hospital, Sumz ne MTN MoMo.